# Abalwanirizi b'eddembe balaze engeri egiziyiza abakyala n'abawala okufuna

ABALWANIRIZI b'eddembe ly'abakyala mu ggwanga basabye Gavumenti okwongera amaanyi mu nteekateeka n'enkola ezisobola okuyamba abakyala n'abawala okufuna obwenkanya ku mbeera ez'enjawulo ze bayitamu.

Nga Uganda yeegatta ku nsi yonna okukuza olunaku lw'abakyala olukuzibwa okwefumiitiriza ku kusoomoozebwa okw'enjawulo abakyala n'abawala kw bayitamu mu bitundu gye babeera okubalemesa okuvuganya enkyenkanyi mu buweereza mu bitundu, ebyenfuna, ebyobufuzi n'empeereza endala.

Olunaku luno lwalangirirwa ekibiina ky'Amawanga Amagatte mu 1975 okukuzibwa amawanga gonna abakyegattiramu buli lwa March 8. Mu Uganda lwasooka kukuzibwa mu 1984 mu maka g'Obwapulezidenti e Ntebe.

Dr. Angella Nakafeero, kaminsona w'ekikula ky'abantu n'ensonga z'abakyala mu minisitule y'ekikula ky'abantu, emirimu n'enkulaakulana y'ebitundu agamba nti, olunaku luno lugenda kukwatirwa ku kisaawe e Kololo ku mulamwa ogugamba nti, "Okwongeza ssente mu buweereza okusobozesa abakyala n'abawala bonna okufuna obwenkanya mu Uganda".



Aba FIDA lwe baasomesa abakyala amateeka n'okwekolera okusobola okulwanirira eddembe lyabwe.

#### ABAKYALA OKUFUNA OBWENKANYA MU UGANDA

Elizabeth Kemigisha okuva mu bibiina kya bannamateeka abakyala ekya FIDA agamba nti, waliwo ebisoomooza n'ebiremesa abakyala n'abawala okufuna obwenkanya ebirina okukolebwako omuli :

**1** Emisango okukandaalirira : Okukandaaliriza emisango okuwa abakyala n'abawala obwenkanya kimu ku byongera okubamalamu amaanyi okwerwanako nga balowooza nti, amateeka tegali ku ludda lwabwe n'abalala nti, ebibatuusibwako bwe bulamu bwe bateekeddwa okubeeramu.

"Ekizibu ky'emisango okukandaalirizibwa kinene mu Uganda kuba leero kkooti ezijulirwamu ziwuliriza misango egyatwalibwawo mu 2024. Omuntu okutwala omwaka mulamba nga tannaba kuweebwa wadde olunaku lw'okuwulira omusango gwe kimumalamu amaanyi kuba bangi babeera banaku abatasobola kwewuuba mu kkooti," Kemigisha bw'agamba.

Lipoota okuva mu ssiga eddamuzi eraga nti, waliwo emisango mingi egyekuusa ku kutyoboola eddembe ly'abakyala n'abawala. Okusinziira ku lipoota, emisango egirudde okukolebwako gikola ebitundu 32.42 ku 100 nga gye misango 3,636 nga gya kukabassanya bawala abatanneetuuka ate ebitundu 29.39 ku 100 nga gy'emisango 3,296 gya kukabassanya abatannaweza myaka 15.

Kkooti Enkulu erina emisango egiyiseeko 4,888 nga 1,818 gya myaka ebiri. Mu kkooti ezisookerwako eriyo emisango gy'okutyoboola eddembe ly'abakyala n'abawala 4,816 nga 865 ku gino giruddeyo.

**2** Ebbeeyi y'obuweereza: Kemigisha agamba nti, eggwanga teririna nkola nnung'amu muntu wa bulijjo mw'asobola kuyita okufuna obuweereza bwa puliida ow'obwereere okuggyako ng'oli ku musango gwa nnaggomola. Agamba nti, omuntu okufuna obuweereza buno kimwetaagisa okusasula 200,000/- okuwandiisa omusango, kyokka ng'abakyala n'abawala abasinga okutyoboolwa tebabeera na busobozi kufuna ssente nga zino.

"Gavumenti esaanidde okwanguya okuyisa etteeka erirambika obuweereza buno "National Legal Aid Bill," okuyamba abantu okufuna bapuliida okubawolereza ku bwereere okusobola okufuna obwenkanya," Kemigisha bw'agamba.

**3** Obutamanya: Bangi ku Bannayuganda naddala abakyala tebamanyi buweereza bwa mateeka ekibatiisa okugenda okubufuna. Okugeza, waliwo obuweereza bw'okukwataganya emisango gy'engassi ekitasussa bukadde butaano ku kkooti z'eddaala erisooka etwala obudde obutono ddala, kyokka bangi tebamanyi ne basigala nga balwana kugenda mu kkooti ezigenda okubatwalira obudde n'ekivaamu kubivaako.

Bangi tebakimanyi nti, ettaka basobola okulissaako envumbo ne bamaliriza nga balibabbyeko, bannamwandu tebamanyi ngeri yaakufuna bbaluwa zibakkiriza kutambuza mmaali ya babbaabwe ababeera bafudde ab'eng'anda za babbaabwe ne babatwalako eby'obugagga.

**4** Obutono bwa kkooti: Kemigisha agamba nti, ebitundu bingi mu Uganda ebitalina kkooti, ate endala zirina kkooti emu eweereza ekitundu kyonna ekikaluubiriza abakyala n'abawala okuzituukamu kuba zibeera wala ekibeetaagisa ssente z'entambula ate nga n'abalamuzi babeera n'emisango mingi okukola ku misango gya bano.

"Okugeza ekitundu kya Karamoja kyonna kkooti eri Moroto ng'abantu abaagala okufuna obwenkanya okuva mu disitulikiti zonna ezikola Karamoja gye balina okugenda," Kemigisha bw'agamba.

**5** Enguzi n'obutali bwenkanya : Embeera z'obutatuusa buweereza butuufu eri abantu abaddukidde mu kkooti kyongera okumalamu abantu amaanyi n'obwesigwa nga balowooza nti, atalina ssente tawangula musango mu kkooti.

**6** Obuwangwa n'enkola z'ebitundu : Ebintu ebimu bikyalimu enkola z'obuwangwa ezikuumidde abakyala mu kutyoboolwa. Okugeza waliwo ebitundu nga singa omukyala avaayo n'awaabira bba nti, amukase omukwano tegutwalibwa ng'omusango.

Abalala abalina enkola z'okusala emisango okuyita mu bakulu aba ffamire n'ebitundu byabwe bayingira mu misango ng'okukabassanya abaana abawala, okufunyisa abawala abato embuto, okubbibwako ebyabwe ng'ettaka n'ebirala.

#### OBWENKANYA ERI ABAKYALA N'ABAWALA

Dr. Nakafeero agamba nti, omwaka guno eggwanga ligenda kwefumiitiriza ku ngeri y'okumalawo emisanvu egiziyiza abakyala n'abawala okufuna obwenkanya mu by'amateeka, ng'amateeka agasosola ekikula ky'abantu, amateeka amafu, enkola n'enneeyisa ez'obulabe kw'ossa enkola z'obuwangwa ebiggya eddembe ku bakyala n'abawala.

"Gavumenti eyagala okulaba ng'emisango gyonna gikolebwako mu bwangu kuba kino kye kitegeeza obufuzi obutuufu nga bassaawo enkola eziyamba okutuusa obuweereza buno ku bantu, enfuga egoberera amateeka, eddembe, enkulaakulana n'enkolagana ennungi mu bitundu," Dr. Nakafeero bw'agamba.

Agamba nti, Gavumenti yeeyama okukuuma eddembe ly'abakyala n'abawala nga bwe lirambikibwa mu Ssemateeka w'eggwanga owa 1995 akawaayiro 21(2), 32(1) ne 33(3) obunyweza obwenkanya eri abakyala mu bufumbo nga beesalirawo